# Ogw'okutta abaana e Ggaba guzzeemu wakati

Bya MARGRET ZALWANGO NE BENJAMIN SSEMWANGA

OMULAMUZI Alice Komuhangi Khaukha yatandise okuwulira emisango gy'obutemu egivunaanibwa omuvubuka Christopher Okello Onyum mu kkooti etuula ku ssomero omuwawaabirwa gy'agambibwa nti yaddiza emisango gino.

Okello 39, avunaanibwa okutta abaana ng'abasala ebiso bwe yalumba ekifo awaakumirwa abaana ekya Ggaba Early Childhood Development Center bwe nga yeefudde azze okusabira omwana gw'alabirira ekifo.

Oludda oluwaabi nga lukulemberwa Jonathan Muwaganya ne Anna Kiiza baatandise okuleeta abajulizi. Okello awolerezebwa bannamateeka Richard Kumbuga ne Sarah Awelo nga bano baamuweereddwa Gavumenti nga bw'eri enkola ku bawawaabirwa mu misango gya nnaggomola nga tebalina bapuliida ba bwannannyini.

Obujulizi bw'abazadde olwaweddeyo, Muwaganya n'aleeta omuwala eyali alabirira abaana mu kifo kino kyokka ebyaliwo abinyumya nga lutabaalo.

Phoebe Namutebi (34) yattottodde engeri Okello gye yamussaako ekiso ng'amanyi agenda kumutta kyokka n'amuvaako n'addira amabujje n'agasanjaga.

Mu bujulizi bwa Namutebi obwaleese buli omu nga yeebuuza Okello kye yagenderera yagambye nti; Ng'amaze okumuwa (Okello) lisiiti, yafuluma. Bwe yagenda ku geeti n'amuvaako ng'alowooza nti afulumye. Bwe yakutama okugguIawo dduloowa okuzzaayo lisiiti. Yatunula mu ddirisa alabe ekiri wabweru.

**OKELLO YANTEEKAKO EKISO ATE N'ADDIRA ABAANA NABASANJAGA**

N'addamu okulaba Okello ng'akutamye wansi. Awo waaliwo omwana nga naye amukutamyeko. Mu bwongo, nasooka kulowooza nti amukuba, lisiiti nagisuula wansi ne nziruka we yali.

Natuuka mmubuuza abaana baffe okuba baaki? Naye yali tannanziramu ne ndaba Keisha Agenorworth ng'ali wansi mu kitaba ky'omusaayi. Omwami yayimuka ng'akutte ekiso mu ngalo.

Omwami oyo yalina sipiidi. Yabakirawo omwana omulala, nagenda okulaba nga naye amuteeka wansi ne mmanya naye agenda kumusala. Mu bwangu nakwata akagaali abaana bwe bavuga wabweru ne nkamukasukira. Yasooka n'aleka omwana gwe



Abaserikale b'amakomera nga batuusa Okello ku kkooti. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

yali akutte n'angoba. Nadduka nga bwe ndeekana naye natuuka ne ngwa wansi. Yantuukako n'ekiso mu ngalo. Bwe yalaba ngudde, n'andekawo n'adda awaali abaana, bwe nasituka nasanga owookubiri ng'amumalirizza, nakwata akagaali akalala ne nziramu okamukasukira olwo yali agoba omwana owookusatu.

Embeera eno yaliwo ddakiikka ntono nnyo. Munnange omu yali alongoosa we baliiridde, Mrs Odong yali mu ofiisi ng'alina lipooti z'akola, ng'omulala atutte baana kweyamba kuba baali bava kulya. Bwe bamala okulya, tubatwala okweyamba n'okulongoosa ppoti bwe bafuluma era yali abatutte mmanju n'okulongoosa ppoti, omufumbi yali mu ffumbiro ng'afumba. Eyali alongoosa ne Mrs. Odong baavaayo naye tebaasooka kumanya kigenda maaso kuba bano baali wansi.

Bino Namutebi yabyogedde ng'abamu ku bazadde n'abantu abagoberera omusango bafeesa, ng'abalala beesimuula maaso ng'ate abalala banyeenya emitwe okwewuunya obuvumu Namutebi bwe yakozesa okutaasa abaana ku Okello eyali aswakidde nga empologoma okubasaanyaawo.

Namutebi yayongeddeko nti, "Namukuba akagaali ng'agenda ku mwana owookusatu era yangoba kyokka olw'okutya kwe nnalimu nagwa emirundi esatu. Bwe nagwa ogwokusatu, yantuukako n'agalula akambe. Engeri gye nalaba ng'asaze bali, nazibiriza nga mmanyi nange agenda kunsala. Naye yandeka n'addayo mu baana. Nalwawo wansi engeri gye nali mu ntiisa, nagenda okusitakwo ng'ali ku mwana eyasembayo. Omwana gwe yasembayo okusala yali Ryan Odeke era bannange enduulu ze baali bakubye zaali zireese abantu okutudduulira.

Obwedda Namutebi abuulira kkooti ebyaliwo mu ngeri ya firimu nga Okello akotese omutwe awuliriza nga bw'omutuunulira ekyangu okulowooza nti yeebase.

Omusango guddamu leero ng'abajulizi abalala abasuubirwa kuliko Cyrus Bukenya eyakwata Okello, Bashir, Timothy ne Moses abadduukira mu kaseera ako.

**EBYASOOSE OKUBAAWO**

Muwaganya eyakulembeddemu oludda oluwaabi yagambye kkooti nti, "Oweekitiibwa omulamuzi tuzze mu kkooti omuwawaabirwa okusomerwa emisango.

**Omulamuzi:** Mr. Okello Christopher ago ge mannya go amatuufu?

**Okello:** Yee oweekitiibwa omulamuzi.

**Omulamuzi:** Lulimi lw'oyagala kkooti ekozesa mu musango gwo?

**Okello:** Oweekitiibwa omulamuzi Oluzungu lwe njagala okukozesa.

**Omulamuzi:** Ng'enda kukusomera emisango naye nkujjukiza nti olina eddembe okubeera ne munnamteeka era balooya babiri baakuweereddwa bakuwolereze. Njagala okukakasa oba wabategeddde n'oyogerako nabo.

**Okello:** Yee, oweekitiibwa nayogedde nabo.

**Omulamuzi:** Njagala era okukujjukiza nti otwalibwa nti tolina musango okutuusa nga kikakasiddwa nti waguzza.

**Okello:** Kale oweekitiibwa omulamuzi.

**Omulamuzi:** Bw'oba okooye okuyimirira oli waddembe okuweebwa akatebe n'otuula wabula bw'oba olina ky'oyagala okubuulira kkooti, oyita mu bannamateeka abakuwolereza naye mu kiseera kino, wuliriza bulungi nkusomere emisango egikuvunaanibwa.

Ogusooka gwa butemu, ekikontana n'ennyingo 171 ne 172 ey'ekitabo ekirung'amya emisango n'ebibonerezo byagyo ekya Penal Code Act. Kigambibwa nti ggwe Okello Christopher Onyum nga April 2, 2026 ku Ggaba Early Childhood Developmente Center mu Ggaba Trading Center, Makindye Division Kampala District, n'ettima ssaako ekigendererwa ekirowoozeddwaako watta omwana Eteku Gideon. Omusango ogukusomeddwa ogutegedde?

**Okello:** Ngutegedde oweekitiibwa omulamuzi.

**Omulamuzi:** Oyanukula otya?

**Okello:** Otegeeza nti oba nzikiriza oba nneegaana?

**Omulamuzi:** Weetaaga okwogerako ne balooya bo?

**Okello:** Yee oweekitiibwa

**Omulamuzi:** Kale yogera nabo (Okello ayogerako ne balooya be).

**Omulamuzi:** Oyanukula otya ku musango?

**Okello:** Ngwegaana

**Omulamuzi:** Kkooti ewandiise nti weegaanyi. Awo abantu ne baaleekaana nga bawakanya ekya Okello okwegaana omusango gw'amanyi nti ddala yaguzza.

**Omulamuzi:** Bannange tuli mu kkooti eby'okuleekaana ebyo tebikkirizibwa. Tuwe kkooti ekitiibwa.

**Omulamuzi:** Omusango ogwokubiri gwa butemu ekikontana n'ennyingo 172 ne 172 ey'ekitabo ekirung'amya emisango n'ebibonerezo byagyo. Nga kigambibwa nti ggwe Okello Chritopher Onyum nga April 2, 2026 ku Ggaba Early Childhood Development Center mu Ggaba Trading Center e Makindye mu Kampala n'ettima ssaako ekingendererwa ekirowoozeddwaako, watta Keisha Agenorwoth Otim. Omusango oguwulidde?

**Okello:** Yee oweekitiibwa omulamuzi.

**Omulamuzi:** Oyanukula otya?

**Okello:** Ngwegaana.

**Omulamuzi:** Kkooti ewandiise nti weegaanyi

**Omulamuzi:** omusango ogwokusatu gwa butemu ekikontana n'ennyingo 171 ne 172 mu kitabo ekirungamya emisango n'ebibonerezo byagyo. Kigambibwa nti ggwe Okello Christopher Onyum nga April 2, 2026 ku Ggaba Early Childhood Development Center mu ggaba rabding center e Makindye mu Kampala n'ettima ssaako ekigendererwa ekirowoozeddwaako, watta Sseruyange Iganatius. Omusango oguwulidde

**Okello:** Yee oweekitiibwa omulamuzi.

**Omulamuzi:** Oyanukula otya?

**Okello:** Ngwegaana.

**Omulamuzi:** Kkooti ewandiise nti weegaanyi.

**Omulamuzi:** Omusango ogwokuna gwa butemu ekikontana n'ennyingo 171 ne 172 mu kitabo ekirung'amya emisango n'ebibonerezo byagyo. Kigambibwa nti Okello Chritpoher Onyum nga April 2, 2026 ku Ggaba Early Childhood Development mu Makindye disitukiti y'e Kampala n'ettima ssaako ekigendrerwa ekirowoozeddwaako, watta Ryan Odeke. Omusango ogutegedde

**Okello:** Yee oweekitiibwa omulamuzi.

**Omulamuzi:** Oyanukula otya?

**Okello:** Ngwegaana

**Muwaganya:** Waliwo obujulizi bwe twakkaanyizzaako wakati w'oludda oluwaabi n'oluwawaabirwa era munnange Anna Kiiza agenda kubwanjulira kkooti.

**Omulamuzi:** Ab'oludda oluwawaabirwa kituufu ekyo?

**Kumbuga:** Kituufu oweekitiibwa omulamuzi twayogedde n'omuwawaabirwa era n'akkiriza.

**Omulamuzi:** Okello balooya bagamba balina obujulizi bwe bakkaanyizzaako n'oludda oluwaabi era kitegeeza oyo omujulizi tajja kujja mu kkooti kubaako ky'agamba kyonna kw'ebyo bye mwakkaanyiizzaako.

**Okello:** Yeee nzikiriza balooya bange bambuulidde ne nzikiriza.

**Omulamuzi:** Wuliriza bulungi ebigenda okukusomerwa kuba kijja kwetaagisa okubissaako omukono.

**Kiiza:** Oweekitiibwa omulamuzi twakkiriziganyizza ku bbaluwa z'omusawo eyeekebejja abaana bano abattibwa ku ffoomu za poliisi PF48B nga ziri nnya okwandiikibwa ebyava mu kukebera abaana ku fayiro nnamba CRB 0261/2026 okuva ku poliisi e Ggaba ng'abaana baakeberwa Dr. Abdul Katongole mu ggwanika ly'eddwaaliro e Mulago nga April 2, 2026.

Ebbaluwa esooka ye Gideon Eteku yali mwana mulenzi atannatuuka mu myaka gisoma nga muddugavu era ng'annyogoga. Yalina amannyo 12 era ng'oluba lwe luli wamu. Omubiri gwali gupeeruuse ng'alina ekiwundu ku ludda olwa ddyo olw'ensingo kya sentimita 14 nga kyasaliddwa bulungi.

Ekiwundu kyali kiwanvu okusinga

# mu nsisi: Obujulizi bw'akulira ekifo mu bujjuvu

e yali okudda munda. Kyali kisalid-
ı awatali kulwana ne kisala emi-
o, emisuwa gy'omunda mu bulago
kikola omusale omunene. Eggumba
mu mugongo n'emisuwa gyonna
'oludda olwo gyali wamu. Ekyavii-
o omwana ono kyali kyekango kye
ıgo ekinene ennyo ekyamusalib-
to ku nsingo. Eyo lipooti 1102/2026
ssibwako omukono Dr Katongole.
bbaluwa eyookubiri ya mwana Kei-
Otim yakeberwa nga April 2, 2026
zuulibwa nga muwala, wa myaka
tannatuuka kusoma. Yalina aman-
› 12, ng'oluba lwe lwekutte wamu,
ubiri gwe nga gupeeruuse, yaliko
wundu kya sentimita mwenda ku
da lw'ensingo olwa ddyo waggulu.
kiwundu kyali kigazi okusinga obu-
nvu bwakyo nga kisaliddwa bulungi
atali kulwana. Ekiwundu kyasala
singo ne kiyingira ne kikutula
imiro n'emisuwa emikulu egy'oku
ngo. Dokita yakomekkereza nti
wana ono yafa kyenkango ekyava
kiwundu ekyamusalibwa ku nsingo.
o bbaluwa nnamba 1103/2026 eyas-
wako omukono gwa Dr. Katongole
a April 2, 2026.
Ebbaluwa eyookusatu ya mwana
natius Sserúyange, wa bulenzi
a yali tannatuuka myaka gisoma,
nubiri gwali gunnyogoga era nga gu-
eruuse nnyo. Yalina ekiwundu kya
ntimita 12 ku nsingo ku ludda lwa
yo nga kigazi okutuuka ku nsingo
nabega okusinga obuwanvu bwakyo
a kisaliddwa bulungi nga kyasaze
nisuwa gyonna emikulu mu nsingo.
Yalina ekiwundu ekirala kya ssen-
nita nnya wansi w'akalevu waggulu
ekiwundu ekinene nga kino kyali
saze ku lususu kwokka. Ekyaviirako
nwana ono okufa kyali kyekango
'ekiwundu ekyamusalibwako. Eb-
luwa nnamba 1101/2026 yassib-
ako omukono gwa Dr. Katongole nga
pril 2, 2026.
Ebbaluwa eyookuna ya mwana Ryan
leke ku bbaluwa nnamba 1104. Yas-
gibwa nga mulenzi omuto atannatu-
ka mu myaka gisoma, omubiri gwe
wali gunnyogoga, yalina ekiwundu
a sentimita mwenda ku nsingo ku
dda lwa ddyo. Kyali kiwundu kinene
ga kyasala emimiro n'emisuwa egiri-
anyeewo okutuuka emabega nga ku
umba ly'omugongo. Tusaba ebbal-
wa zino ziteekebwe mu biwandiiko
a kkooti oweekitiibwa omulamuzi.
**mulamuzi:** Oludda oluwaabirwa
ulina kye muwakanya?
**arah Awelo:** Nedda oweekitiibwa
nulamuzi.
**mulamuzi:** Mwabikkaanyizaako
omuwawaabirwa?
**welo:** Yee oweekitiibwa.
**mulamuzi:** Okello bannamateeka
baakubuulidde ebiri mu bbaluwa
aava mu ggwanika ezisomeddwa mu
kooti?
**kello:** Yee oweekitiibwa omulamuzi.
**mulamuzi:** Ebbaluwa ezo tezi-
ulmiriza wabula zirambika
okunnonnyola ekyaviirako abaana
okufa. Ng'enda kuddamu mbiku-
somere kuba ffenna tulina okus-
saako omukono. Bigamba abaana
bana battibwa era ebbaluwa za
dokita tuzitadde ku biwandiiko
bya kkooti era Dr. Katongole
tajja kujja mu kkooti. Obiwulidde
ebyo.
**Okello:** Mbiwulidde owekitiibwa
omulamuzi.
**Omulamuzi:** Mu musango guno
nnina okuyambibwa abayambi
ba kkooti. Bano babeera bantu
ba bulijjo abawuliriza obujulizi ne
bawa endowooza yaabwe ku nkomerero
bawabula oba nkusingise
oba nkwejjereze. Asooka ye John
Musana. omulinako obuzibu?
**Okello:** Nedda simulinaako
buzibu
**Omulamuzi:** Omulala ye Maria
Teopista, omulinako obuzibu
bwonna?
**Okello:** Simulinaako buzibu.
**Omulamuzi:** Omulala ye Rachael
Ainemugisha. Omulinako
obuzibu?
**Okello:** Simulinaako buzibu.
**Omulamuzi:** Abayambi ba
kkooti mbajjukiza nti mulina kuwuliriza
bujjulizi wano mu kkooti
wokka era ensala yammwe erina
kwesigama ku byogeddwa wano
si walala wonna. Abajulizi abalala
bagenda kubuulira kkooti bye
baalaba leero nga kkooti etuula
Ggaba ku ssomero awaakolebwa
obutemu buno.
**Juma:** Ku ssaawa nga ttaano
Okello yankubira nti ali mu bitundu
bya Jinja Road Round About
n'ang'amba mmotoka yr efudde.
Namugamba agivuge agiteeke ku
Shell ya Jinja Road, era ne ntuma
omuntu agirabe.
Gwe natuma yatuukawo ne njogera
ne Okello ne mmugamba nsobola
okumuddiza ssente z'olunaku
olumu kuba mkotoka erabika yalina
ebizibu era Okello n'akkiriza.
Namusaba ansindikire ennamba
kwe mba nteeka ssente kyokka
teyakikola.
**Juma:** Nga wayise ennaku bbiri
ne ndaba amawulire ku ***tiktok*** nti
Okello yali asse abaana.
**Muwaganya:** Kiki ekyaddirira?
**Juma:** Nayitibwa ku poliisi okukola
sitaatimenti era kye nakola.
**Muwaganya:** Kiki ekirala kye
wakola?
**Juma:** Baggyako bye nnayogera ne
Okello ku ssimu era oluvanyuma
ne baginziriza.
**Muwaganya:** Nga tebannatwala
ssimu, balina kye baagamba?
**Juma:** Yee, bang'amba mpandiike
ebbaluwa ekkiriza okutwala essimu
okugikebera.
**Muwaganya:** Wagiwandiika?
**Juma:** Nagiwandiika ne ngissaako
n'omukono nga April 2, 2026.
Muwaganya asabye kkooti ekiwandiiko
kiteekebwe mu biwandiiko
bya kkooti nga ekizibi era bannamateeka
b'omuwawaabirwa tebakiwakanyizza.
Ekiwandiiko ekikkiriza
Juma okuggyako obubaka ku ssimu
kikkiriziddwa nga kya ssimu ekika
kya iPhone Promax.
**Muwaganya:** Osobola okutegeera
bye wayogera n'omusibe?
**Juma:** Yee.
**Muwaganya:** Kebera Page 37
oba byebyo bye wayogerezeganya
n'omusibe.
**Omulamuzi:** Tubuulire ensonga
zo lwaki toyagala kweyongerayo.
Njagala mpandiike ensonga z'owa.
**Okello:** Sseewulira bulungi.
**Omulamuzi:** Mbulira ekituufu
nnyongereyo nga mmanyi ensonga
entuufu. Oba bulamu bwo,
omujulizi akomewo enkya, njagala
nsonga entuufu. Bakuwe ku mazzi
onyweko owummulemu.
**Okello:** Nedda nedda njagala
tukome wano.
**Omulamuzi:** Otidde ?
**Okello:** Nedda nedda
**Omulamuzi:** Ab'amakomera
mutubuulire oba waliwo ensonga
y'ebyobulamu. Alina obuzibu
bwonna?
**ASP Hilla Emmanuel:** Nsaba
kkooti ewandiikire akulira
ekkomera lya Luzira Upper Prison
ku byobulamu bwa Okello.
**Omulamuzi:** Kale weebale. Omuwawaabirwa
agambye tawulira
bulungi noolwekyo kkooti tesobola
kugaana ky'asaba. Kkooti
njaabudde, tudde enkya ku ssaawa
ssatu omusango guddemu.



Abaserikale nga bayoolayoola Mulwana. Mu katono bw'afaanana.

## Mmotoka etambuza omutemu etomedde munnamawulire

Bya MARGRET ZALWANGO

EKIKANGAMBWA kyabuutidde abaabadde bakung'aanidde e Ggaba okuwulira omusango gwa Christopher Okello avunaanibwa okutta abaana, emmotoka eyamuleese bwe yasaabadde bannamawulire.

Zaabadde ziwera ssaawa ssātu ez'okumakya mmotoka y'amakomera nnamba UU 0067T etambuza Okello n'etuuka mu kifo kyokka n'ekyuka ng'edda emabega etuuse Okello we bamuggyiramu ayingire akaguli.

Mu kukkirira, mmotoka eno yalemereddde omugoba waayo n'ekkirira okutuuka awaabadde bannamawulire n'ebasaabala era n'ekosa Richard Mulwana.

Yagudde wansi w'emulinnyako emipiira gy'emabega n'egyo mu maaso olwo n'esiba. Bino byabadde bigenda maaso ng'abantu balaba era enduulu yasaanikidde ekifo. Okello n'abaserikale abamukuuma baabadde bakyali mu mmotoka munda.

Embeera eno yalese ekitundu kyonna kisannyaladde wabula oluvannyuma kkooti yatandise. Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Rechael Kawala yagambye nti batandise okunoonyereza ku nsonga eno.

Mulwana yatwaliddwa mu ddwaaliro lya Rubby gy'ajjanjabirwa mu kasenge k'abayi era assiza ku byuma.



Abamu ku baabadde mu kkooti nga bawakanya ekya Okello okwegaana omusango.